Alipoota ekomekkereza omwaka 2009

Enyinyonnyola y'ebimu ku bigambo ebiri mu alipoota eno ng'ate byekuusa ku mirimu egikolebwa Buganda Land Board.

Cadastre:	Empapula entongole eziraga ensalo za buli kibanja/poloti ebiri ku ttaka mu ggwanga lyonna ebirambikiddwa mu ofiisi enkulu ey'ettaka ne mu District.
Condominium property law:	Etteeka omufunirwa ekyapa eky'obwannanyini kw'emu ku mayumba aga nnabansasaana.
Consent to transfer:	Okukkiriza okuva ewa Nnanyini ttaka (ng'ayita mu musigire omutongole) ku bwa nnanyini n'ebiyinza okukyusibwa ku ttaka lye.
Consent to subdivide:	Okukkiriza okuva ewa Nnanyini ttaka (ng'ayita mu musigire omutongole) ku kugabanya ebibanja ebisangibwa ku ttaka lye.
Deed plan:	Ky'ekifananyi (oba maapu) ekiva mu kitongole kya Gavumenti eky'ettaka ekikakasa n'okulaga ekifo ekiwedde okkubibwa. Kuno kuberako ekinkumu kya Kaminsona w'okukuba ettaka era y'enkomerero y'omulimu gwonna ogw'okupunta. Abasinga bakamanyi nga "akaapa"
Kalamazoo:	Ky'ekitabo (enkuluze) ekiraga ettaka lyonna nga bwelyalambikibwa naddala endagaano y'olwenda (1900), bweriri kati n'enkyukakyuka mu bwa nnanyini.
Land Amendment Bill:	Ebbago ery'ennongosereza mu tteeka ly'ettaka.
Land Policy:	Ennambika entongole erina okugobererwa mu nkozesa y'ettaka mu ggwanga.
Lease access financing:	Entegeka esobozesa ab'ebibanja okwewola ensimbi okuva mu bittavvu bazeyambise okunyweeza obusenze naddala okufuna liizi n'ebyapa.
Lease agreement:	Endagaano wakati wa Nnanyini ttaka n'omusenze gw'aba akkirizza okusenga ekiseera ekigere.
Physical planning:	Enkola ey'okutegeka enkulaakulana ku ttaka mungeri y'ebizimbe, enkozesa yaabyo, enguudo, abatuuze wamu ne byebakozesa mu bulamu obwa bulijjo.
Physical planning Bill:	Ebbago ly'etteeka erinaaluŋŋamya enteekateeka y'ettaka mu ggwanga.

Obubaka bwa Ssentebe w'olukiiko olufuzi olwa Buganda Land Board:

Ku lw'olukiiko olufuzi olwa Buganda Land Board, ntuusa okusiima eri abaweereza mu kitongole kino ssaako bannaffe mwenna abatutuukiridde mu Buganda Land Board ku nsonga ezitali zimu olw'okwewayo obuteebalira mu kawefube ow'okukulakulanya ettaka mu Buganda. Ng'olukiiko olufuzi, tumalirizza omwaka ogw'okusatu nga tuluŋŋamya Buganda Land Board era twenyumiriza mu nkulaakulana mu kitongole etuukanye n'omulembe guno.

Ng'olukiiko olufuzi, Ssabasajja Kabaka Ronald Muwenda Mutebi II yatukwasa omulimu ogw'okulaba nga ekizimbe ***'Muganzirwazza'*** kimalirizibwa mu kiseera ekyakigererwa. Omulimu tugukola era gutambulira ku biseera kyetusuubira nti gubulako katono okukomekkerezebwa.

Neebaza abantu mwenna abajjumbidde okutereeza obusenze ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka wamu nabasobodde okufuna ebyapa. Mbakubiriza okufaayo ennyo ku bibanja byammwe munkola eyokubinyweza kuba bya muwendo. Mungeri y'emu mukolereeko emirimu egy'enkulaakulana tujjemu ejjamba erinasobozesa okutuukiriza obuvunanyizibwa eri nannyini ttaka nga tuwa envujjo ne busuulu.

Nsaba Katonda atuwe obulamu era akuume Kabaka waffe, Katikkiro n'abakulembeze abalala mu bwakabaka.

Wangaala Ayi Ssabasajja Kabaka

Omukungu Eng. Martin.S.Kasekende
Ssentebe w'olukiiko olufuzi.
Ntenvu (December) 2009

Enyanjula ya Ssabawandiisi wa Buganda Land Board:

Buganda Land Board ng'ekitongole ky'obwakabaka ekivunayizibwa ku ttaka, tufubye okutuukiriza obuvunanyizibwa Ssabasajja Kabaka bweyatukwasa naddala okulabirira ebizimbe n'ettaka ly'obwakabaka. Tukimanyi nti Buganda eriko by'ekyabanja Gavumenti eya wakati omuli n'ettaka eriwera mailo kenda (9,000sq. miles), ettaka ly'amasaza, embuga z'amasaza n'amagombolola n'ebirala era tusuubira nti Gavumenti eri mu kuttanya ntegeka ey'okubituddiza. Mangu ddala nga ebyaffe bino bituddidde, Buganda Land Board neetegefu okubirabirira n'okubikuuma.

Embeera mu ggwanga kunsonga ezitali zimu erina kinene ky'ekola ku ntambuza y'emirimu gyaffe. Ebbago ly'etteeka ly'ettaka n'enteseganya ezibaddewo ku nsonga eno mu mwaka oguyise bikosezzaamu emirimu gyaffe. Wadde abantu bangi tebannategeerera ddala kiri mu tteeka lino, baludde nga balindiridde nnyo n'okulowooza nti wandibaawo enkyukakyuka ku nsonga z'obusenze bwebatyo nebatatukiriza mu biseera obweyamo eri nanyini ttaka kwebali.

Embeera y'eby'ensimbi mu ggwanga ne munsi yonna okutwalira awamu nayo ekalubirizzamu entambuza y'emirimu gyaffe naddala ku bujjumbize obw'okusasula busuulu. Ng'ekimu ku bitongole bya Ssabasajja Kabaka, ebikuŋŋanya ensimbi ezigenda mu ggwanika lya Buganda, tufubye okutema empenda omuva ensimbi ezituukiriza obweyamo eri eggwanika.

Wakati mu mbeera ey'okusomoozebwa, Buganda Land Board ekyatema empenda omunayitwa okutumbula ettaka n'ebizimbe byetulabirira n'okulaba nga muvaamu ejjamba erinawanirira emirimu gy'obwakabaka. Emirimu tugitambulizza ku miramwa gino wammanga:

a) Ebiruubirirwa bya Buganda Land Board (Vision):

Mu mwaka gwonna tukoze kinene okutuukiriza ebigendererwa by'ekitongole omuli okulabirira, okutumbula omutindo n'okujja ejjamba mu ttaka n'ebizimbe by'obwakabaka. Ekirala kwe kukubiriza ab'ebibanja okutereeza n'okunyweza obusenze ku ttaka lya Kabaka n'okutukiriza obuvunanyizibwa eri nanyini ttaka.

b) Obukulembeze mu Buganda Land Board (Governance)

Buganda Land Board kitongole ekirina obukulembeze obw'emitendera okuva ku lukiiko olufuzi waggulu okutuuka ku bakulira emirimu egikolebwa bulijjo. Olukiiko olufuzi lutuulako abakiise kkumi na musanvu (17) abalina obukugu n'obumanyirivu mu mirimu egy'enjawulo. Mu lukiiko luno muvaamu obukiiko mukaaga (6) obuvunanyizibwa ku kuluŋŋamya emirimu egitegekebwa mu kitongole kyonna awamu. Obukiiko bwe buno:

- Akakiiko akekkeneenya okusaba liizi (Lease committee)
- Akakiiko akalambika enteekateeka ez'okukulakulanya ettaka (Planning & Development).

- Akakiiko akatunuulira eby'ensimbi n'entambuza y'emirimu gy'ekitongole (Finance & Administration)
- Akakiiko akalambika enkozesa y'ebyobugagga ebirabirirwa Buganda Land Board (Property Management)
- Akakiiko akawa amagezi ku nkozesa y'ettaka n'okulikuuma (Land use advisory)
- Akakiiko ak'eby'amawulire n'ebiwandiikibwa (Information & publicity)

Ssabawandiisi wa Buganda Land Board y'ataba emirimu gy'obukiiko buno n'olukiiko lwonna awamu ssaako egy'ekitongole eri Minista ow'ettaka agituusa obutereevu mu wofeesi ya Katikkiro n'olukiiko lwaba Minista *(cabinet)* nebasobola okugoberera n'okutegeera obulungi emirimu egikolebwa Buganda Land Board.

Minista w'ettaka Owek. Kiyimba Kaggwa (ow'okubiri okuva ku kkono) nga asisinkanye olukiiko olufuzi olwa Buganda Land Board.

c) Enkola y'emirimu (Policies):

Olw'obuweereza obulungi, enkola y'emirimu egy'ekikugu yeesigamiziddwa nnyo ku kuluŋŋamizibwa okwalambikibwa olukiiko olufuzi (Board). Kino kituyambye okukuumira ku mutindo ogwa waggulu byonna byetukoze mu mwaka guno. Okuluŋŋamizibwa kuno kwekuusa ku nkola ya Gavumenti ya Ssabasajja Kabaka wamu n'obuwayiro obulungi obusimbulwa mu nkola ya Gavumenti eyawakati. Munkola eno, Buganda Land Board mwetandikiddewo ekitongole ky'abapunta abagenda okuzuula n'okutereeza ensalo z'ettaka lya Ssabasajja Kabaka yonna gye liri ate mu nkola ey'ekikugu.

Enkola yeemu mwetuyita okusunsula abakolera Buganda Land Board emirimu egy'enjawulo ng'okupima ettaka, omujjibwa abo bokka abakolera ku mutindo ogutavumaganyisa linnya lya Kitongole.

d) Abakozi mu Kitongole:

Buganda Land Board enywezezza enkola y'emirimu nga tuyita mu kufuna abakozi abalina obukugu mu mirimu egyetaagisa mu mbeera ey'okutumbula ettaka. Mu mwaka gwetumazeeko tufuniddemu abakozi abakugu mu mirimu egy'enjawulo abawera mwenda (9). Mu mwaka ogwo, abakozi baafuna okutendekebwa okw'enjawulo okwagendererwamu okwongera ku bukugu basobole okukola obulungi emirimu gyabwe.

Abakozi mu Buganda Land Board nga bali mu gimu ku misomo egyabategekerwa

Mu nkola eyogeddwako waggulu, mwetuyise okubaako ne byetutuukiriza ebingi ddala omuli n'emirimu emitegekere mu biseera (Projects) nga bwegiragibwa wammanga ssaako n'ekigendererwa ekikulu ekyokussa ejjamba mu ggwanika ly'obwakabaka gyetutuukirizza obweyamo bwaffe obw'ekiseera kyetumazeeko.

Emirimu egy'enkulakulana (Projects)
Buganda Land Board eriko emirimu gyeyategekawo mu nkola ey'okwongera ku makubo agavaamu ensimbi. Emirimu gino gyategekebwa okuyita mu bukiiko obw'enjawulo nga bwebulagibwa wammanga awamu n'omulimu ogukoleddwa.

Ekizimbe 'Muganzirwazza':
Omwezi gwa Ntenvu mu mwaka 2008, Ssabasajja yatema evvunike ely'okuzimba ekizimbe ekyabbulwamu Namasole Muganzirwazza azaala Ssekabaka Mutesa I. Kati guweze omwaka mulamba ng'omulimu gutambula kinnawadda awatali kuyimiriramu. Ekizimbe kino kakano ekiyimiridde mu kifo awaalinga *Jubilee park* e Katwe kisuubirwa okumalirizibwa mu mwaka 2010. Omulimu guno omunene bweguti gulabirirwa akakiiko akakulirwa Engineer Martin Kasekende era kaliko abakiise bano wammanga.

- Ow'ekitiibwa Mohamood Thobani
- Ow'ekitiibwa Eva Nagawa Mukasa
- Omulangira David Wasajja
- Omulangira Architect Joel Kateregga
- Omukungu Waggwa Nsibirwa
- Omukungu Kitenda John
- Omukungu Engineer D.K.Ntwatwa (Amyuuka Ssentebe)

Okuzimba:
Buganda Land Board yapatana ne kampuni enzimbi okuva mu ggwanga lye China eyitibwa *Complant* ekoze omulimu omulungi era nga ekitundu ekisooka (phase 1) kyakomekkerezebwa mu kiseera ekigere mu Ntenvu 2009. Katikkiro wa Buganda Owek.Eng. J.B.Walusimbi bwe yalambuzibwa omulimu guno yasiima nalaga essuubi nti n'ekitundu eky'okubiri (phase 2) kinakomekkereza mu biseera byekyagererwa okuva nakyo kyatandikibwa.

Entegeka y'ebinakolerwa mu kizimbe kino:
Akakiiko akavunanyizibwa kamalirizza okubaga enteekateeka enegobererwa mu kukozesa ekizimbe kino olw'okujjamu ejjamba. Wafulumiziddwawo akatabo *(brochure)* akalaga mu bufunze enteekateeka ey'emirimu egisuubirwa okukolerwa ku myaliiro egy'enjawulo sso nga n'akatambi akaneyambisibwa okusikiriza abapangisa nako kaategekebwa.

Ekitongole ekitegeka emikolo:
Buganda Function Services, ekitongole kya Buganda Land Board ekitegeka emikolo kikulakulanye mu buwereza buno okusobola okumatiza obwetaavu obuliwo. Buganda Land Board eyongedde amaanyi mu mpereeza ku ludda lw'abakozi n'ebikozesebwa ebyongeddwako obungi ate n'omutindo gwabyo.

Okuwandiisa ebibanja ebiri ku ttaka lya Kabaka:
Mu mwezi gwa Ssebo aseka mu mwaka guno 2009, Buganda Land Board yatandika omulimu ogw'okuwandiika ebibanja byonna ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka mu Ssaza Kyaddondo (bulooka 203) ne Kyaggwe (bulooka 293). Omulimu guno gugendereddwamu kukubiriza ab'ebibanja okunyweza obusenze bwabwe basobole n'okutongozebwa Nnanyini ttaka. Mu bitundu bye Nansana Town Council (Kyaddondo) ne Njeru Town Council e Kyaggwe abaayo bangi bamaze okuwandiisa ebibanja byabwe sso nga abatannaba bakubirizibwa okuwandiisa mu bujjuvu. Omulimu guno okutandikira mu Town Council zino kyagendererwamu okukakasa enkola y'omulimu ogw'okumanya ab'ebibanja bonna abali ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka.

Abatuuze abe Njeru(Kyaggwe) ne Nansana (Kyaddondo) nga bawandiisa ebibanja mu Buganda Land Board

Enkolagana n'abantu (Corporate Social Responsibility)
Buganda Land Board eddukiridde obutonde:
Nga kawefube ow'okunyweeza abasenze ku ttaka lya Kabaka agenda mu maaso, Buganda Land Board egabidde ab'ebibanja endokwa z'emiti egy'embala mu nkola ey'okuddiza ku bantu ba Ssabasajja Kabaka. Bangi ku bamaze okuwandiisa ebibanja na ddala mu bitundu ebye Njeru ne Nansana baweereddwa endokwa z'emiti omuli emiyembe, avocado, emicungwa n'amapaapaali. Ekigendererwa kya kukungula ebibala ebinavaamu ejjamba n'okutumbula omutindo gw'obulamu naddala mu baana ssonga okusimba emiti nsonga yakukuuma buttoned obutabanguddwa ensangi zino.

Abatuuze mu Nansana Town Council nga baakakwasibwa endokwa z'emiti okuva mu BLB.

Mu mwaka 2010, tulina essuubi nga tujja kusobola okutukiriza nate byetweyamye mu buwereza obw'enjawulo. Omutindo gw'abakozi ssaako obuwagizi n'obujjumbize eby'olukiiko olufuzi byebimu ku binatusobozesa. Emirimu emitegeke *(Projects)* mwakuvaamu ensimbi okwongereza ku zinaava mu makubo amalala olwo emirimu gya Ssabasajja Kabaka gigende mu maaso okukulakulanya obwa Kabaka.

Wangaala Ayi Ssabasajja.

Omukungu Kyewalabye Male
Ssabawandiisi wa Buganda Land Board
Mmengo.

1. Enyanjula y'Alipoota mu bufunze(Executive summary):

Buganda Land Board mu mwaka guno etuukirizza obweyamo eri Nnamulondo wamu n'abantu ba Ssabasajja Kabaka okukulakulanya ettaka lya Kabaka wakati mu kusomoozebwa okw'amaanyi. Embeera ey'ebyobufuzi mu ggwanga lyonna ate ne mu Buganda tebadde nyangu eri emirimu gyaffe naye tusobodde okukola n'obuvumu era tufubye okutuukiriza bye tweyama okukola mu mwaka gwetukomekkereza.

Emirimu gyeyongedde okutambula mu nkola ey'ekikugu olw'amaanyi getutadde mu bukulembeze na ddala obukiiko bwa *Board* wamu n'eby'empuliziganya ebiri ku mutindo. Ng'ojjeeko okuteeka failo zonna mu byuma bi kalimagezi *(computer network system)*, omutimbagano gwa Buganda Land Board *(website)* oguyunga ku mukutu ogubuna ensi yonna guyambye bangi na ddala abali emitala w'amayanja okumanya n'okutegeera obulungi ebikwata ku bibanja byabwe mu bwangu.

Ebbago ery'ennongosereza mu tteeka ly'ettaka lireeseewo okweyinula mu bantu abaalowooza nti lyandiretawo enteekateeka empya ku bwannanyini bw'ettaka. Ku ludda olw'okukwasisa amateeka, embeera eno ekalubirizzaamu okussibwa mu nkola okw'ebiragiro bya kooti *(interim orders)*. Wadde bibadde bityo, okweyambisa amateeka kukendeezezza kinene abajoozi abegumbulidde okumala gasenga buli webalabye nga kw'otadde nebimu ku bitundu ebyatalizibwa *(reserve).*

Enkola ey'okutabaganya abakaayana (mediation) eyongeddwamu amaanyi ng'ekitongole ky'amateeka mu Buganda Land Board kituuzizza abakaayana era ensonga nyingi zijjiddwa mu mbuga z'amateeka.

Emirimu egikoleddwa wakati mu bitongole (departments)

Ebitongole mu Buganda Land Board bikolera ku musinji ogw'obukugu mu buweereza *(professionalism)* olw'okutuukirizza obweyamo n'ebigendererwa by'ekitongole. Abakulira entambuza y'emirimu gino egy'ekikugu be bavaamu olukiiko *(management team)* oluvunanyizibwa ku kussa mu nkola *(implementation)* n'okutwala mu maaso emirimu egilambikibwa okukolebwa mu Buganda Land Board. Ebitongole byebino:

1) Okubudaabuda n'okuluŋŋamya abagenyi (Customer Care)
2) Okulondoola enkozesa y'ettaka lye tulabirira (Land Inspection).
3) Okutegeka n'okulabirira okupima ettaka/okupunta (Survey)
4) Eby'ensimbi n'enzirukanya y'emirimu (Finance and Administration)
5) Amateeka (Legal)
6) Awakumiirwa ebyapa n'ebiwandiiko (Information and Communication Tech.)
7) Okuteekerateekera enkulakulana ku ttaka lya Kabaka (Physical planning)
8) Empuliziganya n'abantu (Communication/public relations)

Ebitongole bino (departments) biruŋŋamizibwa obukiiko obw'enjawulo obuva mu lukiiko olufuzi (Board) olw'okusobozesa okukwanaganya awamu buli kikolebwa mu Buganda Land Board.

a) Ekitongole ekibudabuda abagenyi (Customer service)

Buganda Land Board ekolagana n'abantu abenjawulo omuli abalina ebibanja ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka ssaako ababaako byebagala okumanya ku nteekateeka eziriwo omukolerwa eby'enkulaakulana ku ttaka lya Kabaka. Bano bonna baanirizibwa bulungi era ensonga zaabwe nyingi zikoleddwako mu ngeri ebamatiza. Mu mwaka gwetumalirizza (2009), tutuukiriza bino wammanga;

*I. Ekifo awatuukirwa **(reception)***

Mu mwaka gwetufundikidde, twanirizza abagenyi bangi ddala abazze ku nsonga ez'enjawulo era nebayambibwa okuzimaliriza. Olw'okutuukiriza obuweereza mu ngeri ematiza, twongedde ku mutindo ogw'ekifo awatuukirwa abagenyi wetutadde n'ebibeesabeesa olw'obutawubaala. Abagenyi baffe nga balindirira okuweerezebwa, batuula mu ntebe ennungi, balaba ku lutimbe lwa T.V enyunge ku *Dstv* ate baaterwawo ne webasobola okufuna ku mazzi ag'okunywako amayonjo.

II. Obuwereza eri betukolagana nabo mu mirimu;

Wofeesi eno yetuukirwako ensonga zonna eziretebwa abagenyi era webafunira n'okumanyisibwa ku nsonga ez'enjawulo zebaba bebuuzizzako. Ezimu ku nsonga zetukolako z'endagaano ku bwannanyini bw'ebibanja wamu n'ebikwata ku liizi.

III. Okwolesa emirimu egikolebwa mu Buganda Land Board.

Buganda Land Board yenyigira mu myoleso egitali gimu n'ekigendererwa eky'okutabagana n'abantu be tuweereza mungeri y'okuwanyisiganya ebirowoozo ate n'okufunayo amagezi amalala. Mu mwezi ogwa mukulukusa bitungotungo *(October)* omwaka guno 2009, twetaba mu mwoleso e Lugogo era omudaala gwaffe gwaali mw'egyo egyasinga okulabika obulungi. Twafuna abagenyi bangi ddala omwaali ne Katikkiro wa Buganda. Abagenyi twasobola okubawereza obubaka ku masimu *(sms)* obusiima okutukyalira ssaako n'amagezi ge baatuwa kw'olwo.

Omudaala gwa Buganda Land Board mu mwoleso e Lugogo.

b) Ekitongole ekirondoola enkozesa y'ettaka lya Kabaka (Land Inspection)

Ekitongole kirondodde ettaka lya Kabaka okukakasa nga ebikolebwako byonna biri mu mateeka ate mu nkola ekkirizibwa Buganda Land Board. Ng'ekitongole, tukwataganye bulungi n'abakulembeze ku mitendera egy'enjawulo mu Gavumenti eyawakati ssaako abaami ba Kabaka naddala mu kaweefube ow'okuzuula ettaka lya Kabaka n'okukakasa nga ebikolebwako tebikontana na mateeka. Ekitongole kyongeddwamu abawereza bataano abanakola obwa kalondoozi era nga bakutuuka ku buli kitundu Buganda Land Board w'evunanyizibwa n'okulaba ng'ebikolebwayo tebimenya mateeka.

Ebituukiriziddwa mu 2009:

I. Okutumbula omutindo ogw'ebibanja,okufuna ebyapa n'okugereka busuulu.

Ebibanja ebikunnukiriza mu bugazi obwa hekiteya 150 (hectares) bipuntiddwa ssonga ebiweza hekiteya 260 (hectares) by'ebirambuddwa ba kalondoozi baffe. Mu mwaka 2009, ebibanja ebisusseeko mu bikumi ebitaano (500) biweereddwako liizi ssonga ebifo eby'enjawulo okufuniddwa ebyapa birambiddwa n'okussibwako obupande obulaga nnamba ya poloti *(plot number)*.

II. Okubangula Abaami ba Kabaka.

Mu mwaka 2009 tufunye emisomo mingi egyongedde obukugu mu bakulembeze (Abaami ba Kabaka Abatongole n'Abemiruka) mu nteekateeka z'okukuuma, okulabirira n'okulakulanya ettaka lya Ssabasajja Kabaka ssaako okukubiriza abatuuze okutereeza obusenze bwabwe ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka.

III. Ensasula y'ekkanzu.

Mu mwaka 2009, Buganda Land Board yazzaawo enkola ey'okusasuza ekkanzu ku buguzi bwonna oba okukyuusa obwa nnanyini ku kibanja ekiri ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka. Enkola eno esomeseddwa ab'ebibanja abatuuze ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka era mu nteekateeka eno, Buganda Land Board yafulumya n'obutabo obw'olukusa ku buguzi bw'ebibanja obwawebwa Abatongole, Ab'emiruka n'Abamagombolola.

IV. Okutereeza obusenze mu b'ebibanja

Mu mwaka guno, Buganda Land Board yatandika okusomesa abakulembeze n'abatuuze ku nsonga z'okutereeza obusenze ku bibanja mu bitundu ebitali bimu mu masaza Kyaddondo ne Busiro.

Mu masaza agasigadde, ab'ebibanja bawandikiibwa nga tuyita mu Katikkiro w'ebyaalo era bano wansi be bakewandiisa.

Essaza	**Ebibanja ebyakawandikibwa**
Buddu	5,320
Bulemeezi	4336
Busiro	4827
Busujju	720
Butambala	2590
Gomba	1365
Kyaggwe	21,500
Mawokota	466
Mawogola	407
Ssingo	575
Omugatte	***42,106***

c) Ekitongole eky'obupunta n'okukuba ettaka (Survey & mapping)

Wakati mu mwaka 2009, ekitongole kino kyagunjibwawo mu Buganda Land Board era mwassibwamu akikulira ng'alina obumanyirivu n'obukugu mu mulimu guno. Obuwereza businze kubeera ku nsonga z'abo abasunsuddwa Buganda Land Board okugenda ku ddaala ly'okupimisa n'okukuba ebibanja byabwe era n'abo abatuuse okufuna obwapa (deed plans).

Ebituukiddwako:

- Okussawo enkola ey'okukwataganya abakola emirimu gy'okupima ettaka, okutegeera enkola n'obuzibu bwebasanga ate n'okubugonjoola amangu.

- Wabaddewo okukendeeza ku bibanja ebipimibwa mu ngeri etali ya kikugu olw'okweyambisa abapunta abatalina bumanyirivu mu mulimu. Buganda Land Board tekyakkiriza mupunta yenna kwenyigira mu mirimu gyetuvunanyizibwako okujjako abo bokka abaakakasibwa *(pre-qualified).*

Byetuluubirira okwongera okukola:
Tujja kubeera ekitongole ekyetongodde ekigenda okukola emirimu egyekuusa ku kupima ettaka mu nkola enereeta ejjamba mu nsawo ya Buganda Land Board.

- Olw'okwongera amaanyi mu mirimu, tujja kufuna ebyuuma ebyeyambisibwa mu kukuba ettaka.
- Okukakasa ng'ettaka erirabirirwa Buganda Land Board litegekebwa mu bukugu.
- Okwongera okuzuula ettaka lya Kabaka n'okukakasa nga ensalo ezakubwako mu bukyamu zijjululwa.
- Omuwendo gw'abapunta abanakakasibwa okukola emirimu gya Buganda Land Board gwakwongerwako olw'okwanguya emirimu.
- Okukakasa ng'abapunta abaalondebwa okukola emirimu gya Buganda Land Board batukiiriza mu budde obubawebwa ate n'okukuuma omutindo.

d) Ekitongole eky'amateeka (Legal)

Nga tweyambisa amateeka, tulwanyisizza nnyo enkola ey'okwewaŋŋamya ku ttaka lya Kabaka era emisango mingi na kati gikyaali mu mbuga za mateeka. Tukoze ku nsonga ez'okuluŋŋamya obusenze ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka, wadde wabaddewo okweyongerako mu nkayana eziva ku bwannanyini ku bibanja.

Ebituukiddwako:

I. Ebyapa n'endagaano:

Mu mwaka 2009, twongedde amaanyi mu nkola eyokusumuusa ab'ebibanja okubatuusa ku mutindo ogw'ekyapa. Ebyapa ebisusse mu kikumi (100) byamalirizibwa era ne biweebwa abaabisaba. Zzo endagaano ezisusse ebikumi ebitaano (500) nazo zikoleddwa sso nga ez'okwongezaayo ku busenze ziweze amakumi ataano (50). Endagaano ezikakasa obuguzi *(consent)* nazo ziweze amakumi ataano (50).

II. Okutabaganya abakaayana *(mediation)*

Wabaddewo okutabaganya ku misango egisobodde n'okujjibwa mu mbuga z'amateeka. Omusango ogw'obusika oguludde nga gusibye failo za liizi ssatu e Najjanankumbi gwagonjoolwa mu nkola eno era *consent judgement* eyagujja mu kooti yakolebwa. Oluvanyuma ne liizi yamalirizibwa.

III. Enkola ya *compulsory acquisition of Land*

Waliwo ebitongole bya Gavumenti eya wakati ebisaalimbira ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka awatali na kugoberera mateeka gamba erya *Compulasory Land acquisition Act, cap 226.* Tukwataganye n'ebitongole bino okulaba nga waberawo okuliyirira okukolebwa.

e) Ekkuumiro ly'ebiwandiiko n'empuliziganya mu byuma bi kalimagezi (Information and communication technology).

Obuvunanyizibwa obw'okukuuma n'okulondoola ebiwandiiko byonna ebikwata ku mirimu gya Buganda Land Board tubutuukirizza era failo ezirimu ebikwata ku bibanja by'abantu ebiri ku ttaka lya Ssabasajja zikuumwa butiribiri.

Ekkumiro ly'ebiwandiiko (registry):

Okuggulawo failo:

Mu mwaka gwetukomekkereza, twongedde ku muwendo ogwa failo empya eziggudwawo nga nyingi ku zino zivudde ku kuwandiisa ebibanja mu bitundu bye Nansana n'emiriraano ssaako e Njeru Town Council mu ssaza Kyaggwe. Failo ezizuulwa nga ziriko enkayana oba ensonga endala zirambiddwa *(flagging)* olw'okusobozesa okwebuuza amangu eri amanyi obuvo obw'ensonga eyo.

Ebirala:

I. Emikutu egy'empuliziganya:

Empuliziganya eyongeddwamu amaanyi ng'erimu ku makubo ag'okutumbula empereeza n'okwongera ku nyingiza mu Buganda Land Board. Essimu, *fax, e-mails* bikoze bulungi mu mwaka gwonna ssonga n'enkola ey'okuweerereza ku masimu obubaka obumpi (sms) nayo etuyambye okutuusa ensonga mu bantu be tukolaganye nabo naddala ababaako bye babanjibwa.

II. Ebyapa n'ebiwandiiko:

Byonna bissiddwa mu *computer* gy'ebisobola okufunibwa amangu yenna abyetaaga olw'ensonga entongole. Kino kikendezezza nnyo obudde obw'okunoonya olw'emirimu egitali gimu. Enkola elina okugobererwa mu ntambuza y'ebiwandiiko ebijjibwa mu tterekero ekyakuumiddwa olw'okwewala okubula ate n'okubikuuma nga biyonjo. Failo zonna eziretebwa okuyingizibwa mu tterekero zisooka kwetegerezebwa *(verification)* olw'okukakasa nga zituukiriza ebyetaago bya Buganda Land Board. Failo zonna n'ebirimu zissiddwa ku *network* era kyanguyira nnyo yenna abaako n'ensonga gyayagala okulondoola.

III. Internet:

Twongedde ku mutindo ogw'amawulire n'ensonga ebirabikira ku mutimbagano guno ogukuumiddwa mu mwaka gwonna nga teguvudde ku mpewo. Kino kyongedde ku bungi bw'abantu abakyala ku mukutu guno okuva mu nsi yonna.

IV. Ebweru wa Buganda Land Board:

Mu mirimu gyaffe, twegasse wamu n'eGwanika lya Gavumenti ya Ssabasajja Kabaka okutumbula enkola erondoola enyingiza n'ensasaanya nga tweyambisa ebyuuma kalimagezi. Mu mulimu guno, tuyambiddwako n'ettendekero erya Makerere University.

f) Okuteekateeka eby'enkulakulana ku ttaka lya Kabaka (physical planning)

Tunywezezza enkolagana n'ebitongole bya Gavumenti eya wakati wamu n'ezebitundu na ddala Minisitule y'ettaka, ebizimbe n'okutegeka ebibuga, obukiiko obutegekera ebibuga okukulakulana *(urban authorities)* mu Kampala City Council (KCC) ne Wakiso District. Mu nkola eno mwe tusoboledde okukwataganya emirimu gy'okukulakulanya ettaka lya Ssabasajja Kabaka wamu n'entegeka zebitundu bino ezikakasiddwa mu mateeka. Akakiiko ka *Board* akabaga n'okutunuulira enteekateka ezissibwa ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka *(Planning and Development)* kakoze kinene okutongoza mu bwangu enteekateeka eziretebwa abaagala okukolera emirimu egy'enkulakulana ku ttaka lya Kabaka.

Byetukoze:

Okutumbula omutindo n'omuwendo gw'ettaka lya Kabaka *(value addition):*

Ebifo ebitegekebwa olw'enkulaakulana biyisibwa mu nkola elambika emirimu nga bwegisaanye okukolebwa mu bitundu ebyo omuli n'okukuba enguudo ssaako okulaga ebizimbe webirina okuzimbibwa. Enkola eno esikirizza abasiga nsimbi *(developers/investors)*

n'okubanguyiza enteekateeka ez'okukulakulanya ebifo bino. Ebifo ebikoleddwako mu mwaka 2009 byebino:

1. *Namasuba:*

Ekifo ekyaalimu piida ya Minisitule ey'ebyenguudo (PWD) bwe kyaddizibwa Ssabasajja Kabaka, Buganda Land Board yakola ku by'okutandaazawo entegeka ne zikolebwa okulaba nga wafunirwawo asobola okukolerawo emirimu gye. Oluvanyuma lw'okulanga mu mpapula z'amawulire, kkampuni eyitibwa Grapes Construction yayisibwamu akakiiko ka Board ak'ebyekikugu akavunanyizibwa ku nteekateeka n'okutongoza liizi ku ttaka lya Kabaka. Kkampuni eno yakkirizibwa okussaawo ekizimbe eky'ebyobusubuuzi ekyokumalirizibwa mu bbanga lya myaaka etaano..

2. *Kigo (L'esperance):*

Ettaka lino erisangibwa ku Kyadondo Block 273, plot 1339 e Busabaala liweza yiika 110.157 era nga lisangibwa ku lubalama lw'enyanja Nnalubaale. Ekibiina ekiyitibwa *L'esperance Childrens' Aid Organisations* kyakkirizibwa okukozesa ettaka lino okuva mu 1987 ku liizi eyaggwako mu 1992 (oluvanyuma lw'emyaaka etaano). Ekibiina kino kyalemererwa okuzza liizi obujja era ettaka lino ne liddira Buganda Land Board.

Buganda Land Board emalirizza enteekateeka ez'okukulakulanya ettaka lino oluvanyuma lw'okwerula empenda.

3. *Ministers' village*

Ekifo kino kisangibwa ku Kibuga Block 12, plot 749 okumpi n'olubiri lwa Ssabasajja Kabaka e Mmengo era kiwerako obugazi bwa yiika 5.9. Akakiiko ek'ekikugu kaasemba ekifo kino kijire nga kitegekebwamu ennimiro z'ebimuli ez'omulembe awasobola okukolerwa emikolo n'okuwummulirwa. Entegeka zinatera okumalirizibwa era mangu ddala nga ziwedde wajja kuddirira okuyita abasobola okukulakulanya ekifo kino okusinziira ku nnambika ekakasiddwa.

4. *Muganzirwazza:*

Okuva Ssabasajja Kabaka lwe yatema evvunike nga 22 Ntenvu 2008, omulimu ogw'okuzimba Muganzirwazza Commercial Center gutambudde bulungi nga gulabirirwa Buganda Land Board. Obukiiko bwa *Board* akanoonya ensimbi *(resource mobilization)* ssako ak'emirimu egy'enkulakulana *(project management)* bukoze kinene nnyo okulabirira n'okulondoola omutindo ogwa waggulu ddala okuzimbiddwa ekizimbe kino.

Ekizimbe Muganzirwazza e Katwe nga kyakasitulwa okuva mu musingi.

Ebitegekeddwa ku kizimbe kino:
Twafulumyawo olutambi *(video)* wamu n'akatabo *(brochure)* ebiraga emirimu egisobola okukolerwa mu kizimbe kino n'okuyamba okutunda ebifo ku kizimbe kino eri abandyagadde okubipangisa.

Ebimu ku bisuubirwako:

- Woofiisi ez'ekikungu
- Woofiisi ez'ebitongole
- Ebifo awakuŋŋanirwa *(conference halls)*
- Ebirabo by'emmere *(restaurants)*

Akakiiko akavunanyizibwa ku nsonga eno kasuubirwa okwongera amaanyi mu kawefube ono anasobozesa ekizimbe kino eky'omulembe okukozesebwa obulungi.

Okusoomozebwa kwetusanze mu nkola y'emirimu:

- Bingi ku bikozesebwa byafulumizibwa mu mirembe egiyise era bikaddiye sso nga ebifo bingi bikyuuse. Muno mwe muli zi maapu z'ebifo *(topographical maps)* ssaako eziraga enkozesa y'ettaka bw'eyanditegekeddwa *(land tenure & use).*
- Abantu tebannategeera kimala ebirungi ebiri mu kubeera mu bifo ebitegekeddwa obulungi era bangi baziyiza emirimu gino.
- Lingi ku ttaka lyetulabirira erisangibwa mu bifo ebikulaakulana buli lukya era lyongera okusengebwako mu bukyamu ekikalubirizza enteekateeka zetuba tukoze okulikulaakulanya.
- Enteekateeka za Gavumenti okugaziya ekibuga Kampala *(Greater Kampala)* zitweralikiriza olw'ensalo ezitegekebwa olw'okugaziya kuno okuba nga zitwaliramu ettundutundu lya Buganda ate nga enkola ya Government egamba nti Kampala tali mu Buganda.

Enteekateeka empya:

- Wakutandikibwawo entegeka omunasinziirwa okukulaakulanya ebibanja n'okusaka ensimbi ezinakola ku nkulakulana eno *(real estate development).*
- Tujja kubala abantu n'ebizimbe ebisangibwa ku ttaka lya Kabaka.

- Tujja kukwataganya ne Gavumenti eya wakati entegeka ez'okukutumbula omutindo gw'ebifo omuli enzigotta n'akanyigo ak'obuyumba obutasanidde kubeera mu kibuga *(slum upgrading)*.

g) Empuliziganya n'okutabagana n'abantu (communication & public relations)

Woofeesi eno yatandikibwawo mu mwezi ogwa Muzigo omwaka guno (2009) era etuukirizza bino bino:

- Okutegeeza abantu ensonga ezitali zimu ezetagisa okutegeera na ddala ku mpereeza ya Buganda Land Board.
- Okweyambisa emikutu gy'amawulire n'amakubo amalala okulaga eggwanga n'okutumbula emirimu Buganda Land Board gy'ekola.
- Okuyigiriza abantu enkola egobererwa mu mateeka okusenga n'okukozesa ettaka lya Ssabasajja Kabaka.
- Okubeera entabiro wakati w'abasenze ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka ne Buganda Land Board.

Supplements:

- Buganda Land Board yalambika eri eggwanga emirimu egikolebwa ng'eyita mu lupapula lwa mawulire olwa *Bukedde* mwe twateeka amawulire agaaweza emiko kkumi na mukaaga (16 pages). Gano gafulumizibwa mu mwezi gwa Muwakanya *(August)* 2009.
- Twategeka obubaka obuyozayoza Ssabasajja Kabaka ku matikkira ag'ekkumi n'omukaaga. Obubaka bwafulumira mu mpapula z'amawulire olwa *Monitor* ne *Observer.*

Press releases:

Mangu ddala nga amawulire gafulumizza ebityoboola Buganda Land Board, tutegeka okutangaaza kwe tufulumiza mu mpapula ez'enjawulo.

- *Monitor* eyafuluma nga 26th November 2009 mwalimu okwanukula Mw. Moses Byaruhanga ku byeyawandiika nga biraga Buganda Land Board bwetalina bwenkanya mu byekola.
- *Monitor ne New Vision;* twatangaaza ku byakonjerwa nti Buganda Land Board yamenya amayumba e Busabaala.
- Banna mawulire okuva mu mpapula za *Bukedde, Independent, Metro ne Red Pepper* ssaako ladiyo ez'enjawulo bannyonyolwa ebituufu ku nsonga z'ettaka okutudde Poliisi ye Nateete mu Kyaddondo.
- Twayanukura obulimba obwasasanyizibwa aba *Bibanja association* ku nsonga z'okuwandiisa ebibanja.

h) Eby'ensimbi n'okukwanaganya empereza mu mirimu.

Enyingiza n'ensasanya birabiriddwa nga tugoberera enkola ey'ekikugu erambikiddwa *(policies and guidelines)* olw'okukuumira ku mutindo ebitabo bya Buganda Land Board. Wabaddewo okweyongera ku nsimbi ezikuŋŋanyizibwa mu busuulu n'okupangisa ettaka ekireteddwa emisomo egikubwa mu byaalo naddala ku nsonga eza liizi. Wabaddewo okweyongerako ebitundu ana mu mukaaga ku buli kikumi (46%) okuva ku nsimbi ezakuŋŋanyizibwa omwaka oguwedde (2008) ekireteddwa okweyongerako ku nsimbi ezigerekebwa olw'okupima ettaka ssako n'ezifunirwako ebyapa.

Wadde nga kyeyolese bwe wabaddewo okweyongera ku nsimbi ezifuniddwa, enyingiza ebadde nsaamusaamu olw'embeera ey'ebyenfuna mu ggwanga n'ensi yonna *(recession).*

Okulondoola ensasaanya n'okubala ebitabo:
Ekitongole kino kirondoolwa ababalirizi b'ebitabo abomunda *(internal auditors)* n'abava ebweeru wa Buganda Land Board *(external auditors)* n'okukakasa nga ensasanya y'ensimbi egoberera amakubo agaalambikibwa ne gakakasibwa ekitongole.

Eby'abakozi (Human Resource):
Mu mwaka guno wabaddewo okweyongerako ku muwendo gw'abakozi abegasse ku Buganda Land Board mu mirimu nga okulondoola enkozesa y'ettaka *(Inspection/surveillance)*, amateeka *(Legal)* ebyensimbi *(finance),* empuliziganya n'abantu *(communication/public relations)* ssaako n'okupima ettaka *(Survey).* Abaweereza abalala bakoze bulungi emirimu gyabwe egisobozesezza ekitongole okugenda mu maaso. Abaweereza bonna kaakati bawera asatu mu bataano (35) sso nga abayambi bawera kkumi na mukaaga (16).

Okutuuza obukiiko bwa Board:
Obukiiko bwa *Board* obw'enjawulo busobodde okutuula mu biseera era olutindo wakati w'olukiiko olufuzi (Board) n'ekitongole ne luba lunywevu. Kino kiyambye okwongera ku biteeso ebiweebwayo nebiyisibwa kulw'obulungi n'enkulakulana mu Buganda Land Board.

Abamu ku bakiise ku lukiiko olufuzi nga bali mu lutuula lwabwe mu Bulange.
Okuva ku kkono; Omukungu Dr.Eva Kasirye Alemu, Omukungu Levi Zzimbe, Omukungu Ambassador Swaibu Musoke n'Omukungu John Kitenda.

Okulabirira ebizimbe n'ebifo by'obwakabaka (Estates):
Olw'okukuuma omutindo ogw'ebizimbe byobwa Kabaka, wassibwawo enkola erondoola n'okuzuula ebyetaagisa okuddaabiriza. Mu nkola eyo mwetuyise okulaba nga ebizimbe by'obwa Kabaka bifanana bulungi.

Bulange:
Ekizimbe Bulange kirabiriddwa bulungi ebweeru ne munda olw'okukuuma obuyonjo n'ekitiibwa eky'ekitebe ky'obwakabaka. Ekizimbe kyasigiibwa langi era kitukula, amadirisa gaddabiriziddwa ssonga nakasolya akaali katonnya kaddaabirizibwa.

Ekizimbe Bulange nga bwekifaanana

Wofiisi ez'enjawulo eziri mu Bulange zitegekeddwa okulaba nga zimatiza obuwereza mu Gavumenti ya Ssabasajja Kabaka sso nga ziri ku mutindo ogutuukana n'emirimu egikolebwamu.

Ennimiro z'oku wankaaki w'olubiri lwe Mmengo:
Ekifo kino kirabiriddwa bulungi nga omuddo gusayiibwa ate n'ebimuli ebirimu nebisalirwa bulungi. Kino kireetedde ekifo okusikiriza abawummulirawo wamu n'abekubisizaawo ebifananyi gamba nga abagole.

Obutebenkevu mu Bulange:
Abavunanyizibwa ku by'okwerinda bawereddwa ebinabasobozesa okwongera ku mutindo ogw'eby'okwerinda mu Bulange. Mulimu bino:

- Ebyuuma ebiyamba okukebera ebidduka ebiyingira mu Bulange ssako n'abantu.
- Ebyambalo (uniform) ebiweesa ekitiibwa omulimu guno *(Laba ekifaananyi wansi)*.

Ow'ebyobutebenkevu mu Bulange

	REVENUE PERFOMANCE FOR THE YEAR 2009			
	YEAR	**2009**	**%**	
	Application, Inspection & Processing	154,011,000.00	1.90	
	Premium	4,981,957,983.00	61.50	
	Ground Rent	1,877,225,227.00	23.17	
	Legal Fee	43,182,900.00	0.53	
	Penalty	16,310,602.00	0.20	
	Extension Fees	51,217,875.00	0.63	
	Consent Fees	461,784,906.00	5.70	
	Building Rent	288,600,000.00	3.56	
	Others	225,931,443.00	2.79	
		8,100,221,936.00	**100.00**	
	Others Include			
	Certifications	300,000.00		
	Kanzu	300,000.00		
	Magazines	7,366,500.00		
	Space Rent	-		
	Title Processing	72,013,943.00		
	Prequalification fees	2,100,000.00		
	Survey Fees	143,851,000.00		
	Touring Fees	-		



ENTEGEKA EZ'OMWAKA OGUJJA (2010)
Tutuukirizza emirimu egisinga obungi wakati mu mbeera ey'okusomoozebwa. Mu mwaka 2010, tweyama okwongera amaanyi mu buwereza nga tussah essira ku nsonga zino wammanga:

1. Okunyweza enkola egoberera amateeka;

Abasenga ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka bakukubirizibwa okugoberera amateeeka agalambikiddwa n'okulaba nga batuukiriza ebisanyiizo byonna ebyetagisa ku busenze.

2. Okwerula ensalo ez'ettaka lya Ssabasajja Kabaka.

Nga bwetwafuna wofeesi y'abapunta eyetongodde tujja kugyeyambisa okwerula obulungi ensalo z'ettaka lya Ssabasajja Kabaka n'okutangira abasengako mu bukyamu.

3. Okuwandiisa ebibanja.

Nga bwegubadde mu mwaka 2009, okuwandiika ebibanja ebiri ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka kujja kugenda mu maaso. Buganda Land Board ya kwemalira mu masaza erye Kyaddondo ne Busiro awanakubwanga emisomo egy'okunyonyola abatuuze obukulu bwensonga eno n'okulaba nga batereeza obusenze bwabwe.

4. Okuluŋŋamya ku nkozesa y'ettaka.

Nga tuyita mu wofiisi eya *Land Advisory* tujja kuwa amagezi eri abantu ba Ssabasajja Kabaka ku nkozesa ennungi ey'ettaka era esasula mu nkola ey'okubakubiriza obutalyejjako n'obutasikirizibwa kulitunda.

5. Okugonjoola enkaayana n'okutabaganya abakaayana.

Nga tweyambisa banna mateeka aba Buganda Land Board, tujja kugonjoola enkayana ezeyoleka ku bwa nnanyini bw'ebibanja n'okutangira ensonga zino obutatwalibwa mu mbuga z'amateeka gyezitera okulwa.

6. Enkuluze y'ebiwandiiko

Buganda Land Board yaakutandikawo ekifo awanakuŋŋanyizibwanga ebiwandiiko naddala ebyo ebikwata ku ttaka ebinaterekebwanga mu kifo ekitegeke obulungi era abantu webasobola okutuula ne basoma.

Okumaliriza:
Ng'ekitongole, Buganda Land Board erina essanyu olw'okumaliriza omwaka ogutabadde mwangu okusinziira ku mbeera mwetukolera. Emirimu egyategekebwa tugituukirizza nga tujesigamya ku bigendererwa omuli eky'okukuuma n'okulabirira eby'obugagga by'Obwakabaka.

Obujjumbize bw'Olukiiko olufuzi wamu n'abakozi bikoze kinene era tusuubira kye kimu ne mu mwaka ogujja.

Wofeesi ez'ekikugu mu kukulakulanya ettaka ezitandikiddwawo mu mwaka guno zisuubirwamu bingi ku ludda olw'okwongera omutindo ku ttaka *(value addition)* n'emirimu eginakolerwako.

Tulina essuubi ly'amaanyi nti mu mwaka 2010 ekizimbe kyaffe 'Muganzirwazza' kijja kujjibwako engalo era kyongere ku nyingiza y'ensimbi mu ggwanika lya Buganda.

Pictorial :

Katikkkiro wa Buganda Eng. J.B. Walusimbi nga alambuzibwa emirimu ku kizimbe Muganzirwazza.

Omutuuze ng’akwasibwa akapande akalamba ekibanja kye mu Njeru Town Council e Kyaggwe.

Ssabasajja Kabaka ng’awandiika mu kitabo ky’abagenyi ba Buganda Land Board. Yalambula omudaala gwa BLB mu mwoleso ogw’ebyobulambuzi ogwaali mu Bulange.

Abakozi ba Buganda Land Board nga bali mu lukiiko lwabwe (staff meeting)

Ekifo mu Buganda Land Board awatuukirwa abagenyi

Akakiiko akavunanyizibwa ku kuteekateeka emirimu egikolerwa ku ttaka lya Ssabasajja Kabaka (Planning committee)